# OMUSOMO GWA BAIBULI : Ebyetagibwa mu bulamu bw'obuKristaayo

---

Omusomo gwa Bible guno gutegekedwa okuva mu musomo gwa Derek Prince era gukozesedwa nga tukirizibwa Derek Prince Ministries India.

---

Ennyingo enyangu ku kubera omuKristaayo kisangibwa mu Njiri ya Yokaana 10:27 – okuwulira eddobozi lya Yesu n'okumugobelela. Yesu Yasomesa abayigirizwa be ebintu bingi era ne bagenda ne babisa mu nkola ne basomesa n'abalala bakole bwebatyo. Obwo bwe bulamu obuKristaayo. Okujjako ng'abakiriza Yesu bategela ebisokelwako eby'obulamu bw'omuKristaayo nebabisa mu nkola tebasobola kukula mu kukiriza kwabwe. Ebyetagibwa ebisokelwako eby'obuKristayo bi yimpayizibwa mu Abaebbulaniya 6:1-2.

Soma *Abaebbulaniya 6:1-3*

Enyingo 7 ezisokelwako ez'okukiliza kw'obu Kristayo ziwandikdwa mu Abaebbulaniya 6:1-2.

Mu musomo gwa Baibuli guno, tujja kuyiga mu bujjuvu ebisokerwako era tukubuuze ebibuuzo eby'okwefumitirizako.

Ojja kusanga okudibwamu eri ebibuzo mu byawandikibwa ebiweredwa ku buli kibuuzo. Ku nkomerero ojja kusangayo endowoza yaffe ku biddibwamu.

**1 Okuteka okukiriza kwaffe mu Katonda**

a) Kiki Yesu Kyeyagamba abantu okukola? *Makko 1:14-15*
i)……………………………………………………………………. ii)………………………………………………………………………………

b) Bintu ki 4 eby'amazima ku Yesu?

1…………………………………………………………………………… *Matayo 3:16-17; Lukka 9:35*

2……………………………………………………………………………. *1 Abakkolinso 15:3*

3……………………………………………………………………………. *1 Abakolinso 15:4*

4……………………………………………………………………………. *1 Abakkolinso 15:4*

c) Kiki ekibawo bwetukiriza eby'amazima bino 4 ebikwata ku Yesu? Abaruumi 1:17; Abaruumi 4:20-25

…………………………………………………………………………………………………………………………………………………….

d) Ebikolwa ebirungi bisobola okututereza ne Katonda? *Abaefeso 2:8-9* Ye/Nedda

### Okwefumitiriza:

Okililiza mu by'amazima 4 ebikwata ku Yesu?

Wenenyeza ku ebikolwa byo era n'osaba Yesu ogyibweko obutali butukirivu?

Abantu bamanyi nti oli muyigirizwa wa Yesu okusinzila ku ngeri gyeweyisa eri abantu abalala?

Saba era obuze Yesu Akulage kiki ky'Ayagala wenenye n'engeri ki gy'Ayagala okukyusa.

**2 Okusonyiyibwa okuva mu bikolwa ebifu (oba n'ebibi)**

a) Okwenenya kyeki? *Matayo 3:11; Lukka 3:8; 2 Abakkolinso 7:9-10* …………………………………………….

………………………………………………………………………………………………………………………………….

b) Ebikolwa ebifu bye biluwa? *Abaebbulaniya 6:1; Isaaya 64:6; Lukka 6:46-49* ………………………………..

………………………………………………………………………………………………………………………………….

c) Twenenya tutya Twenenya tutya okuva mu bikolwa ebifu? *Lukka 15:11-21; Yokaana 1:8-9* …………..

………………………………………………………………………………………………………………………………….

d) Biki ebinava mu kwenenya kwaffe n'okuteka okukiliza kwaffe mu Yesu? *Ebikolwa By'Abatuume 2:38 ne 42-47; Yokaana 13:34-35; Yokaana 14:12* ……………………………………………………………………….

………………………………………………………………………………………………………………………………….

………………………………………………………………………………………………………………………………….

………………………………………………………………………………………………………………………………….

Okufumitiliza:

Wali okwatidwako ekimala n'osaba Yesu Akusonyiwe olw'ekikolwa ekibi kyewakola oba ekilowozo ekibi kyewalina?

Katonda Alina Kyagambye okukola? Wamugondela?

Wali osabye Katonda okusonyiwa olw'okukola ekintu ky'Atakusaba kukola?

**3 Okubatizibwa mu mazzi okw'abakkiriza**

a) Okubatizibwa mu mazzi okw'abakkiriza kukolwa kutya? *Matayo 28:19; Ebikolwa By'Abatuume 8:37-38; Ebikolwa By'Abatuume 10:48* ……………………………………………………………………………………..…

………………………………………………………………………………………………………………………………….

………………………………………………………………………………………………………………………………….

b) Okubatizibwa mu mazzi kilaga nnono ki? *Abaruumi 6:4-5; Abakkolossaayi 2:12* ……………………………

………………………………………………………………………………………………………………………………….

………………………………………………………………………………………………………………………………….

c) Okusinzila ku Yesu, ani alina okubatizibwa? *Matayo 28:19; Makko 10:16* ……………………………………….

………………………………………………………………………………………………………………………………….

Okufumitiriza:

Wabatizibwa mu mazzi oluvanyuma lw'okukililiza ddala mu Yesu?

**4 Okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu**

a) Okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu kye kiki? *Ebikolwa By'Abatuume 1:8; Ebikolwa By'Abatuume 4:31; Ebikolwa By'Abatuume 10:44-46* ………………………………………………………………………………………..

…………………………………………………………………………………………………………………………………..

b) Ekigendererwa ky'okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu kiki? *Ebikolwa By'Abatuume 1:8; Ebikolwa By'Abatuume 4:31-33; Abaruumi 8:26-27* ……………………………………………………………………………………

……………………………………………………………………………………………………………………………………

c) Ebirabo omwenda ebiweebwa Omwoyo Omutukuvu bye biluwa? *1 Abakkolinso 12:7-11* ………………

……………………………………………………………………………………………………………………………………

……………………………………………………………………………………………………………………………………

d) Ekibala ky'Omwoyo Omutukuvu kye ki? *Abaggalatiya 5:22-23* …………………………………………………...

……………………………………………………………………………………………………………………………………

……………………………………………………………………………………………………………………………………

e) Njawulo ki eri wakati w'ekirabo n'ekibala? ……………………………………………………………………………

……………………………………………………………………………………………………………………………………

Okwefumitiriza:

Wali obatizidwa mu Mwoyo Omutukuvu? Oba nedda, waliwo esaala ey'okulabirako emabega awali ebidibwamu.

Kibala ki (oba bibala ki) eby'Omwoyo Omutukuvu by'oyagala oba byoyagala bikwongerweko? Ekibala ky'Omwoyo Omutukuvu kikula mu bulamu bwo? Kilina okulabisibwa mwaka ku mwaka nga bw'okiliza Omwoyo Omutukuvu okukufula nga Yesu.

**5 Okusako emikono**

a) Ebigendererwa 4 biruwa eby'okutekako emikono?

Ekigendererwa 1 (*Makko 10:16*)……………………………………………………………………………………………..

Ani asobola okukikola? ………………………………………………………………………………………………………..

Ekigendererwa 2 (*Makko 16:18*)……………………………………………………………………………………………..

Ani asobola okukikola? ………………………………………………………………………………………………………..

Ekigendelelwa 3 (*Ebikolwa By'Abatuume 19:6*) ………………………………………………………………………

Ani asobola okola kino?.........................................................................................................

Ekigendelelwa 4 (*Ebikolwa By'Abatuume 13:2-3*)………………………………………………………………………

Ani asobola okola kino? ………………………………………………………………………………………………………..

Okwefumitiriza:

Lwa kigendelelwa ki ….. migaso ki gy'olaba egiri mu kusako emikono ……………………………………

**6 Okuzukila mu bafu**

a) Okuzukila mu bafu kye kiki? *Yokaana 5:28-29; 1 Abasessaloniika 4:13-18* ……………………………………

…………………………………………………………………………………………………………………………

b) Emibiri gyaffe giliba gifanana gitya nga tuzukidde? *1 Abakkolinso 15:51-55; Abafiripi 3:20-21* ……….

…………………………………………………………………………………………………………………………

…………………………………………………………………………………………………………………………

Mugaso ki ogwenjawulo ennyo oguli mu kuzukila? *Abaruumi 1:4; Abaruumi 10:9* ……………………………..

…………………………………………………………………………………………………………………………

…………………………………………………………………………………………………………………………

Okwefumitiriza:

Okiliza nti Yesu Yazukila?

Okiliza nti olizukizibwa ku Yesu bw'Alikomawo mu kitiibwa?

Eky'okusisinkana Yesu maso ku maso kikukyamusa?

**7 Okusalalilwa omusango okutagwawo**

a) Katonda Ani gweyalonda okutulamula fenna? *Ebikolwa By'Abatuume 10:42-43; Okubikkulilwa 1:12-16* ……………………………………………………………………………………………………………..

…………………………………………………………………………………………………………………………

b) Abakiliza mu Yesu balilamulwa lwa nsonga ki?

i. *Matayo 28:18-20; 2 Abakkolinso 5:10-11* ……………………………………………………………………….

…………………………………………………………………………………………………………………………

ii. *Engero 19:17; Matayo 25:31-40(41-46); Lukka 12:32-34* ……………………………………………………….

…………………………………………………………………………………………………………………………

iii. *Matayo 12:33-37; Abaggalatiya 5:19-23; Abaggalatiya 6:7-10* ……………………………………………………

…………………………………………………………………………………………………………………………

…………………………………………………………………………………………………………………………

c) Amawanga galilamulwa lwa nsonga ki? *Yoweeri 3:1-2; Obadiya 15; Matayo 25:31-46* ………………….

…………………………………………………………………………………………………………………………………………………

…………………………………………………………………………………………………………………………………………………

d) Abatakiliza balilamulwa lwa nsonga ki? *Matayo 16:27; Okubikkulilwa 20:11-15* …………………………….

…………………………………………………………………………………………………………………………………………………

e) Okulamulwa okw'obulamu obutagwawo kulibawo ddi? *Matayo 24:14, 42-44; Matayo 25:13*

…………………………………………………………………………………………………………………………………………………

Okwefumitiliza:

Oli mwetegefu okuyimilila mu maaso ga Yesu ku lunaku lw'omusango?

Bintu ki by'okoze Yesu byeyakusaba okola?

Kiki ky'osubila okufuna okuva mu kuwereza Yesu? Owereza Yesu lwa kwesanyusa oba bitibwa? Oba onoonya kugulumiza Yesu era okola okwagala kwe olw'okwagala okuvila ddala mu kwagala kwo gy'Ali?

Ogezako okuwereza Mukama mu manyi go oba oweredwa amanyi g'Omwoyo Omutukuvu?

---

Mu musomo guno tutunulide enyingo 7 ez'okukiliza kw'obu Kristayo. Waliwo BINGI NNYO mu kusoma kuno okusokelwako! Ne Katonda Asubiza nti Alina bingi nnyo byetusobola okuvumbula! *Abafiripi 3:12-14*

"Ab'oluganda, Musanyusibwe! Mutuukirire. Mulowooze bumu. Mubeere n'emirembe. Ne Katonda ow'okwagala n'emirembe Anaabanga namwe." *2 Abakkolinso 13:11*

---

**EBYOKUDDAMU BYETUTESA**

**OKKUDAMU KW'EKIBUUZO NO. 1: Okukililiza mu Katonda**

a) Ebiragiro bya Yesu ebisokerwako bye bino: i) kwenenya, ne ii) okukililiza mu njili ya Kristo.

b) Ebikakafu ku 'njili byebino: 1) Yesu ye Mwana wa Katonda; 2) Yesu Yafa ku lw'ebibi byaffe; 3) Yesu Yazikibwa; 4) Katonda yazuukiza Yesu mu baffu ku lunaku olw'okusatu

c) Katonda Atutebelea okuba abatukirivu bwetukiliza ebikakafu 4 ebikwata ku njili. Okuteka okukiliza kwaffe mu Yesu kisinga okukiliza obukiliza nti Yesu w'Ali – tulina okukiteka mu nkola. Tulina okwenenya ebibi byaffe n'ebikolwa ebifu era tweweleyo ddala mu kukiriza Yesu ng'Omulonde wa Katonda.

d) Nedda. Tufulibwa abatukirivu olw'okukililiza mu Yesu – tetusobola kwefula batukirivu.

**OKUDDAMU KW'EKIBUZO NO. 2: Okwenenya okuva mu bikolwa ebifu**

a) Okwenenya kye kigambo ekinyonyola 'omutima ogukyuse neguleta okukyuka mu ngeri gy'otambulamu. Okwenenya kubawo ng'omuntu akiliza nti enkola ze nkyamu era n'asalawo okulekel'awo okugobelela enkola ze era n'akyukira Yesu (okuwulila eddobozi lye n'okumugoberera).

b) Ebikolwa ebifu bye bikolwa ebitatusa mu bulamu era tebigasa eri obulamu obutagwawo. Ebikolwa ebifu bye bintu byetukola nga Katonda si by'Atugamba okukola. Wammu n'ebilowozo ebibi era n'ebikolwa byetukola, 'ebikolwa ebifu' bye bintu ebyo byonna 'ebirungi' byetukola naye nga Katonda si Y'Atugambye okukola. N'ebikolwa bya ebisingayo bili nga nzina eri Katonda. Katonda Ayogelela mu ngeri z'enjawulo nyingi nnyo. Ayagala tumuwulilize era tukole ebyo by'Atugamba okukola.

c) Katonda Asubizza nti Ajja kutusonyiwa bwetwenenya ebibi byaffe. Nga omwana eyabula, twetaga (i) okutegera nti twasobya, (ii) okukyusa endowoza zaffe era n'okukomya okwefaako, ne (iii) okukyuka okudda eri Katonda

d) Nga twewayo eri Yesu, Ajja kukyusa emitima gyaffe tufuke nga Ye. Kino kijja kuvamu ffe okwagalana kinnomu. Abantu bajja kumanya nti tuli bayigirizwa ba Yesu olw'engeri gyetwagalanamu. Era tujja kusoma Ekigambo kya Katonda, tutendereze Katonda fenna wamu, tugabanile wamu emere y'okukungananga, tugabane emmere ya Mukama waffe na buli kinnomu, tuyambe abavu era n'abali mu bwetavu nga tugabana kyetulina era nga amanyi ga Katonda gajja kwolesebwa mu bulamu bwaffe. Obulamu bwaffe awamu bujja kuzaamu abalala amakanyi basobole okukiriza Yesu.

**OKUDDAMU KW'EKIBUZO NO. 3: Okubatizibwa kw'abakiriza**

a) Omukiriza anyikibbwa mu mazzi ng'abatizibwa. Omubiri gw'omukiriza gwonna gunyikibbwa mu mazzi ate ne gugibbwa mu mazzi.

b) Okubatizibwa kw'omukiriza kilaga okufa kwa Yesu era n'okuziikibwa olw'ebibi byaffe, era n'okuzukira kwe mu bulamu obuggya. Omuntu ng'agenda wansi mu mazzi mu kubatizibwa (ekilaga okufa), befananyiliza n'okufa kwa Yesu n'okuzikibwa olw'ebibi byaffe. Nga baggibwa mu mazzi kilaga nti bayingizibwa mu bulamu obugya mu Yesu.

c) Abayigirizwa okuva mu nsi zonna betaaga okubatizibwa n'okunyikibwa mu mazzi. Abayigirizwa beebo abakiririza mu Yesu era abasomesebwa n'okugunjulibwa Yesu.

**Wetegereze:** Omukiriza abatizibwa mu 'Linnya lya Kitaffe, n'Omwana era n'Omwoyo Omutukuvu'. Nvumbo etekwa ku baKristayo. Abakkiriza babatizibwa 'mu Kristo' era ne mu mubiri gwa Kristo, mu kubatizibwa, twegata ku kanisa ey'ensi yonna, ekkunganiro ly'abaana ba Katonda.

**Wegendeleze:** Singa wali tolokokanga bwe wabatizibwa, wetaaga okuddamu okubatizibwa nga omaze okuyingila mu kukiriza Yesu.

**OKUDDAMU KW'EKIBUZO NO. 4: Okubatizzibwa kw'Omwoyo Omutukuvu**

a) Okubatizzibwa kw'Omwoyo Omutukuvu kubawo Omwoyo Omutukuvu bw'Ajja ku mukiriza mu maanyi. Ekyokulabilako ekisooka kye kirabo eky'olulim,I olupya olw'okusaba (era ekiyitibwa 'okusabila mu Mwoyo' era 'n'okwogerera mu nnimi')

b) Okubatizzibwa kw'Omwoyo Omutukuvu kutusobozesa okufuna amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu okujulila Yesu.

c) Ebirabo eby'Omwoyo Omutukuvu bye bino: amagezi, okubikulilwa (ekigambo eky'okumanya), okukiriza, okuwonya, ebya magero, okubulila, okutegera emyoyo, okwogerera mu nnimi ezitamanyidwa, okuvunnula ebyo ebyogedwa.

d) Ebibala eby'Omwoyo Omutukuvu bye bino: kwagala, okussanyuka,emirembe, okugumikiriza, ekisa, obulungi, okukiriza, buwombefu, n'okwegendereza. Eyo ye mbala ya Kristo.

e) Enjawulo wakati w'ebirabo n'ebibala eri nti ebirabo biwebwa Mwoyo Mutukuvu n'ebibala bikula mpola nga twewayo eri Omwoyo Omutukuvu. Abantu abalina ebirabo ebingi bayinza obutba na bibala! Ekibala, okusinga eky'okwagala, kyekisinga obukulu kubanga tukikuma okutuka mu bulamu obutagwawo (*1 Abakkolinso 13:8-10 ne 13*)

Laba essaala enyangu eno okuyamba okusaba n'okufuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu:

> *"Ow'omukwano Mukama wange Yesu, Nkukiriza era nkwesiga. Nyamba ombatize n'Omwoyo Omutukuvu nsobole okufuna amanyi okubera omujulilwa wo.Olw'okukiriza, kakati nfuna Omwoyo Omutukuvu era n'ebirabo byonna eby'Omwoyo Omutukuvu, wamu n'olulimi olugya olw'okusaba. Webale Yesu. Nsaba esaala eno mu Linnya lyo Yesu. Amiina."*

Bwomala okusaba esaala eno, yasama akamwa ko era oyogele ebigambo byonna ebivayo. Lijja kuba ddobozi lyo, n'edokoli lyo, naye nga bwe'Omwewa, ebigambo bye bija kuvayo. Ng'ofuna obuvumu okwogera, ebigambo by'Omwoyo Omutukuvu bijja kweyongera okujja.

**OKUDDAMU KW'EKIBUZO NO. 5: Okusako emikono**

Ekigendererwa ekisoka kya mikisa; buli muyigilizwa asobola okola kino – eky'okulabilako; Abazade abaKristayo abalokole bawa abaana babwe omukisa mu ngeri eno.

Ekigendererwa eky'okubiri kya kuwonya; Yesu alagila buli buli muyigilizwa okukikola.

Ekigendererwa eky'okusatu kya kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu nga omukiriza ajjuziddwa Omwoyo Omutukuvu ateeka emikono ku mukkiriza omulala era nebafuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Wabula, abakiliza abamu bafuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu buterevu okuva eri Katonda, nga tewali muntu yenna abataddeko mikono. Abakiriza bonna abajuziddwa Omwoyo Omutukuvu basobola okozesebwa okugaba Omwoyo Omutukuvu mu ngeri eno.

Ekigendererwa eky'okuna kwe kuteeka emikono ku bakulu b'ekannisa n'abo abalina obuyinza okutongoza abakiriza okukola omulimu Katonda gw'Abayitidde. Bakakasa nti okuyitibwa kuva eri

Katonda nga tebanatongozebwa. 1 Timoseewo 5:22 alabula obutapappa kutongoza muntu okuyita mu kusako emikono. Abantu abali mu kannisa n'obuyinza okutongoza abalala bebasobola okola kino.

**OKUDDAMU KW'EKIBUZO NO. 6: Okuzukira mu bafu**

a) Emibiri gyaffe emifu girikyusibwa negiba mibiri mipya era tujja kukwatibwa mu banga era tusisinkane Yesu ng'Akomawo ku nsi okuva mu ggulu. Abakiliza abo abaffa be balisoka okuzukizibwa era wamu n'abaliba bakyali abalamu, abakiliza bonna balisisinkana Yesu mu bbanga era babere ne Yesu ennaku zonna. Abo abatakiriza era abatagobelela Yesu balizukizibwa olw'okusalibwa omusango okutagwawo.

b) Emibiri gyaffe egizukidde emigya tegilibera nga emibiri gyaffe emikadde – gilibera gyakayakana, milamu, nga myawufu ddala naye ate tulisobola okumanyigana! Nga tetukyafa, tetukyavawo, abayakayakana!

c) Singa Yesu teyazukira, olwo naffe tetwalizukizidwa. Amawulire amalungi ennyo ag'enjili gal inti okuyita mu Yesu, Katonda Yakola ekkubo ffe tusobole okuba abalamu naye mu bulamu obutagwawo!

**OKUDDAMU KW'EKIBUZO NO. 7: Okusalilwa omusango okutagwawo**

a) Katonda Yalonda Yesu okubera omulamuzi owa buli muntu.

b) Yesu Alisalila abakiriza omusango. Abantu abo abakiriliza ddala Yesu nga Kabaka wabwe era omununuzi wabwe balina amanya gabwe gawandikiddwa mu Kitabo ky'endiga (ekya Yesu) eky'obulamu. Abo abalina amanya gabwe nga gali mu Kitabo ky'endiga (ekya Yesu) eky'obulamu baliba wamu ne Yesu okutuka ku nkomerero. Abakiririza mu Yesu tebalisalilwa musango era tebalivunanwa. Balisalibwa omusango okusinzila ku bikolwa ebirungi byebakola ebyabategekelwa okuva ku ntandikwa. Emirimu emirala gyonna gyebakola tegiribalilwa okutuka ku nkomerero.
  - Era buli kyonna omukiriza ky'akola olw'enjiri kilibalilwa okutuka enkomerero.
  - Okuyamba abaavu nakwo kulibala eri omukiriza okutuka ku nkomerero.
  - Embala y'omukiriza eribelawo okutuka ku nkomerero (ekibala eky'Omwoyo Omutukuvu).

c) Yesu Alisalila omusango abamawanga (abatali baYudaya) n'abantu olw'engeri gyebayisamu Isiraelii n'aba Yudayaa.

d) Abantu ABAGAANA OKUKIRIZA YESU nga Omufuzi era omununuzi mu bulamu bwabwe balisalilwa omusango era basilingwa omusango olw'okusalawo kwabwe okugaana Yesu. Balimala enkomerero nga tebali na Yesu mu Nyanja ey'omulilo. Kino kigata abantu abatagoberela Yesu wamu n'abe enkwe era abaKristayo abobulimba.

e) Tewali amanyi ddi Yesu lw'Alidda era ddi okusala omusango okutagwawo wekulibererawo. Ne Yesu mwenyini tamanyi ddi. Katonda Kitaffe Yekka Y'Amanyi ddi. Tulina okuba abetegefu. Naye nga Yesu tanadda, Amawulire Amalungi aga Yesu gajja kubulilwa mu nsi yonna bwegatyo amawanga gonna n'ebibiina by'abantu basobole okugawulila.

---

Kitegekeddwa okuva mu kusomesa kwa Rev Derek Prince, 'Okuzimba omusingi' oba (Laying the foundations) era kikozebwa n'okukirizibwa okuva mu Derek Prince Ministries India.

'Olw'ebigenda e buziba ku mutwe guno, wuliliza CD ezitegekedwa (set) eziyitibwa' 'Laying the Foundations' oba ekitabo, 'Foundations for Christan Living; ekya Derek Prince (kiri mu nnimi eziwerako).